# »Okusalira emizabbibu«

Kuly‘okubeera ekirime ekirimu ekiriisa, obunji n‘omutindo gw‘emizabbibu kuletebwa ekika kya tekinologiya ekikozeseddwa, enkyuukakyuuka yembeera y‘obudde, ekikka kyensigo, n‘enkola z‘obulimi endala.

Okusalira kyankizo mukusobozesa okumulisa era enkola eno y‘etaaga okusalawo n‘okukikola mubutuufu bw‘akyo. Okusalira ekissukiride kikendeeza amakungula naye nga g‘amutindo mulungi ate okusalira okusaamusaamu kuviirako amakungula amangi naye nga g‘amutindo gw‘awansi.

## Okusalira ekirime

Emitunsi tegy‘eyanjuluza bulungi nga ekimera bwekikula. Okusalira kyamugaso okusobozesa okumulisa kyoka ate nga okukula kwekimera kukendezebwa n‘olwekyo olusalira lumu mu bunyogovu ne mukiseera ky‘omusana. ebimeruka oluvanyuma lw‘okusalira tebiyina kukala. Obunyogovu tebuyina kutandika nga ennaku 10 tezinayitawo oluvanyuma lw‘okusalira.

Eky‘okubiri, okusalira mukiseera ky‘omusana kuyina okukolebwa mu mweezi gy‘okusatu nogw‘omukaaga era ogumu kumitunsi ebiri egy‘ekikolo ekikulu girekebwaako kukimera ekigeze mukusalako omutunsi okuva kunsibuko yaagwo ekiviramu ekimera ekiramu era eky‘amaanyi.

Mungeri yemu, okusalira mu bunyogovu kikolebwa mu wiiki esembayo ey‘omweezi gw‘omwenda oba nga ogwekkumi tegunagwaako. Ebimera bikulira emyeezi mukaaga oluvanyuma lw‘okusalira kw‘omusana okutuusa ku buwanvu obw‘etagisa. Omuwendo gwamatabi agalekebwaako gusinziira ku kika ky‘ekirime. Okusalira kw‘okujako ebikoola byonna wamu n‘emitunsi egy‘akameruka nakyo era kikolebwa mu kiseera kya musana ekitali ku kusalira okw‘okusala omutunsi okutuusa ku dduli.

Enimiro eyawulwaamu ebitundu era okusalira kukolebwa mubiseera

eby‘enjawulo okwongerayo ebiriisa by‘ekirime. Munkola ey‘okulima ebirime ebibiri mu mwaka gw‘egumu, omutindo gw‘emizabbibu mutono kulw‘okumalamu kw‘ekiriisa mukirime era n‘amakungula okutw‘aliza awamu matono. Kyongeza neku nddwadde wamu neby‘onoona ebirime n‘olw‘ekyo ekirime ekimu mu mwaaka ky‘ekisinga.

Okusalira kyetaagamu okusalawo n‘okukikola mubutuufu by‘akyo. Okusalira okusukiride kuviiramu amakungula amatono ku mutundo ogw‘amanyi ogw‘ekirime so nga ate okusalira okw‘ekigero kuviirako amakungula amangi ag‘omutindo omutono. Okusalira okw‘ekigero ku kubirizibwa singa emizabibu gikula bulungi mundabirira ennungi. Okusalira okusukiride kuvirako okukala kw‘amatabi. Okusimba ekisaamusaamu oba ekitono kikubirizibwa singa amakungula agawede gaali mangi.

Mukw‘eyongerayo, omuwendo gw‘obuguwa obw‘okumulisizaako bulekebwa ku mizabbibu eginyirira era egikula obulungi. Salira nnyo emizabbibu eminene era olekeko amatabi matono ku nduli. Obutabi obutandiikiriza okukula, era obutabi obuyina emitunsi emiwanvu tebuja kumulisa. Lekako amatabi amawanvuyirivu agakute era n‘amatabi amampimpi agatali masakativu kulw‘enkula ennungi.

Emitwe gy‘ekimera gikutulwaako oluvanyuma nga ky‘abikoola 5 oluvanyuma lwennaku 30-35 okuva ku kusalira okw‘okusalako emitunsi okutuusa ku dduli. akatabi 1 oba 2 bw‘ebukkirizibwa okumera ku tabi eddene ekiziyiza okumera kwetabi edene era kiyamba mukusalawo mukiseera ky‘okusalira kw‘okumalako amakoora n‘emitunsi egy‘akameruka.

Ekisembayo, nakyo kitangira okumeruka okuteetagisa.